

# AGAMYUKA OMUTEZI: Nkata MusaMUTYABA.

## ENNYANJULA

Olugero luno Agamyuka Omutezi lwawandiikibwa Nkata Musa Mutyaba nga mu lwo atwoleka enneeeyisa y'abantu mu bulamu obwabulijjo wabula ng'atwolese obuzibu obwolekedde bannamawulire mu mulimu gwabwe awamu n'eneeyisa ya bannabyabufuzi n'abakuuma ddembe mu ggwanga.

Omuwandiisi ateeke emiramwa egyenjawulo mu lugero lwe asobole okutuusa obubaka eri omusomi we awamu n'okukyusa omusomi we mu nneeeyisa ye.

### **Omutwe gw'olugero**

Omuwandiisi lugero lwe aluzimba n'omutwe ogwa "Agamyuka Omutezi" oluggwaayo nti Agamukya Omutezi n'akasolo. Olutegeeza nti Omuntu yenna obuzibu by'ayitamu ng'akola ekintu bukosa n'oyo gw'aba akitusaaako.

Mu lugero lwe luno atwoleka abantu abafuba okunyigiriza bannabwe naye ate gye biggweera nga nabo bafunye obuzibu. Omutwe gutusikiriza okusoma olugero.

### **Ekifaananyi ku ddiba**

Eddiba ly'Akatabo lirina ekifaananyi ky'omusajja alina camera ng'atکیدde emikono ku mutwe era ng'akutte akatabo awamu n'ekkalaamu ekitwoleka nga yandiba munnamawulire. Ekifaananyi kino kitwoleka ng'omusajja ono atabuddwa era ng'omulimu gulabika gumuzitooweredde. Ekifaananyi kino kisunira ku musomi ku ebyo ebiri mu lugero bwe gutyo ne kimusikiriza okusoma olugero.

### **Ebikwata ku muwandiisi**

Nkata Musa Mutyaba Lwanaweetaase azaalibwa Nkokonjeru mu Kyaggwe.

### **Emisomo gye**

- Yasomera Kiyoola N.A.C. Parents' S. S.
- St. Peter's Nkokonjeru.
- Makerere University gye yafunira Ddiguli mu busomesa.

### **Emirimu gy'akoledde Eggwanga**

- Imam omukulu ow'omuzigiti gw'e Nkokonjeru.
- Yaliko Omukulu w'essomero lya Nkokonjeru Umea P/s.
- Yali kkansala ku L.C. III Nkokonjeru Town Council.
- Yaliko omusasi w'amawulire ow'olupapula lwa Munnansi.
- Yaweerezaako ku leediyo Bilaal ku Puloogulamu Obusiraamu n'obuwangwa.
- Musajja mufumbo era muzadde.
- Mulimi ate omulunzi.

- N'ebirala.

## **OLUGERO MU BUFUNZE**

Olugero luno lwetoolera ku munnamawulire Abdu Tabula eyeesimba mu munnamaggye Meeja kaberege eyali akola ebikolwa eby'okutulugunya abantu ab'omu maka ge n'abatali awamu n'okutwaliramu munnamawulire ono.

Olugero lutwoleka ebintu ebyenjawulo ebituuka ku bantu kyokka bo ne batya okuvaayo okubyanja eri abantu ate ne bannamawulire abamu ne babikkirira abakozi be bikolobero olw'okutya okutulugunyizibwa. Omuvubuka ono yayita mu kusoomozebwa okwenjawulo n'atuuka n'okuwomebwamu omutwe okwagala okuttibwa.

Olugero lufundikirwa nga Meeja Kaberege awamu n'ebikolwa bye nga bifufugaziddwa era ng'ayanikiddwa olw'ebyo bye yakola bwatyo wabula yasangibwa afudde ekiteberezebwa nga yetta ( yeekuba amasasi)

## **OBUYIYA (OBUKUGU/OBUKODYO) BW'OMUWANDIISI**

Nkata Musa Mutyaba mu kuwandiika olugero luno 'Agamyuka Omutezi' yafuba nnyo okulusengeka obulungi okusobola okulfuula olunyuvu bwe lutyo lunyumie alusoma awamu n'okutuusa obubaka eri omusomi.

Bino by'ebintu ebyenjawulo ebifuula olugero lwa Nkata okuba olunyuvu

- Omuwandiisi olugero lwe aluzimbye n'omutwe ogw'olugero ogwa "Agamyuka Omutezi" nga guno guyamba okusunira ku musomi ku ebyo ebiri mu lugero.
- Omuwandiisi atusiigiidde ekifaananyi ku ddiba eky'omusajja eyetisse emikono ng'akutte empapula n'ekkalaamu awamu n'okwambala camera. Ekifaananyi kino kiyamba omusomi okwefumiitiriza ku ebyo ebigenda okusomebwa mu lugero n'okufuna obubaka.
- Awandiika mu bintu ebiri mu bulamu bwa bulijjo ekiyamba omusomi okufuna ekifaananyi ekituufu ku ebyo ebyogerwako awamu n'okutegeera atwoleka obulamu bwa bannamawulire obuzibu bwe bayitamu okugeza. Abdu Tabula anoonyezebwa era n'abeera ku bunkenke.
- Olugero lwe alutaddemu essuula ezenjawulo era zino ziri amakumi abiri (20) mu zo omusomi afuna obubaka obwenjawulo awamu n'okuyamba omusomi okuwummulamu nga yeefumiitiriza ku ebyo by'asomye.
- Olugero lufumbekeddemu obukuubagano nga buno omuwandiisi agendereramu okutonda obulamu obwabulijjo mu lugero awamu n'okutuusa obubaka / eby'okuyiga eri omusomi we okugeza akakuubagano wakati wa Kaberege ne Mukyala we Annet.
- Olugero lwe lulimu obunkenke nga bukuumira omusomi ku mulamwa n'okwagala okusoma olugero okusobola okutegeera ekyaddako okugeza Meeja Kaberege n'abasirikale bwe baalumba amaka ga Tabula.
- Olugero lwe lulimu obwenkanya anti omuwandiisi اساسula abakoze obulungi okugeza Tabula yasobola okwanika ebikolwa bya Meeja Kaberege kyokka ne Kaberege abonerezebwa olw'ebikolwa bye era amaliriza yeetuze.

- Buli ssuula ye agiwa omutwe ogutuukira obulungi ku ebyo by'awandiikamu era egituggirayo n'omutwe omukulu mu lugero okugeza; Ekyalo ky'ewaffe, Amagombe gagugumuka.
- Olugero lwe aluzimbidde ku miramwa egyenjawulo okugeza obutemu, obwenzi, obukozi, n'emirala gino giyamba okuleeta obubaka obwenjawulo.
- Omuwandiisi olugero lwe alutaddemu ebyobuwangwa ebyenjawulo bino bisikiriza omusomi okulusoma awamu n'okumanya ebikwata ku buwangwa obwo okugeza emikolo gy'okuzina abalongo aba Ssaalongo Kkonde.
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olutuukira obulungi ku ebyo by'aba anyumya okugeza olulimi olukwatagana n'okuzina abalongo.
- Olugero lwe alutaddemu ennyimba ezenjawulo nga zino zinyumisa olugero n'okutuusa obubaka okugeza ennyimba z'abalongo.
- Olugero lwe lwa kigero kino kisobozesa omusomi okulusoma n'alumalayo bw'atyo n'afuna n'obubaka obulilimu.
- Olugero lutambulira/lulina omunyumya omukulu ng'ono ye Abdu Tabula ekisobozesa omusomi okugoberera obulungi olugero.
- Omuwandiisi yeyambisa ebitontome mu lugero lwe ng'akamu ku bukodyo obunyumisa olugero.
- Omuwandiisi atuuma abantu be amannya agatuukira ku ebyo bye bakola gano gayamba omusomi okufuna ekifaananyi ekituufu awamu n'okutegeera olugero okugeza Abdu Tabula.

## **EBY'OKUYIGA EBIRI MU LUGERO**

Omuwandiisi w'olugero luno yayagala abasomi be bafune obubaka obwenjawulo bwe batyo baleme kugwa mu mitawaana egimu mu bulamu bwabwe. Bino wammanga by'eby'okuyiga okuva mu lugero;

- Omuwandiisi atuyigiriza okubeera abavumu era abamalirivu ku mulimu gye tukola ne bwe wabeerawo okutiisibwa okugeza Tabula yasigala akola omulimu gwe wadde yatiisibwanga Meeja Kaberenge.
- Okwewala okwesiga abantu ne tutuuka n'okugatta nabo ebyobugagga okugeza Catherine Ndiba yeesiga Meeja Kaberenge kyokka Meeja n'amwefuulira.
- Omusomi ayiga okwagala/okubeera n'omukwano ogwa namaddala eri ababeezi baabwe okugeza Ssalongo Kkonde yayagala mukyalawe.
- Omuwandiisi akubiriza omusomi we okubeera omukozi okusobola okuyimirizaawo abantu be okugeza kitaawe wa Tabula yali musajja mukozi ng'alina emmwanyi ze baafunangamu ssente.
- Okwewala okutandika awamu n'okwenyigira mu bwediimo mu masomero kubanga kino kibaviirako okufiirwa emisomo gyabwe okugeza gwayambadde yakulemba banne ne bagoba omukulu w'essomero ebyamuviirako okugobwa mu ssomero.

- Omusomi ayiga okukuza obulungi abaana baabwe wamu n'okubayigiriza okukola emirimu si kubeera nga Kifoomusana eyali tayagala kumugambira ku mutabani we Gwayambadde kyokka bweyakula teyavaamu muntu.
- Okwettanira emirimu gy'emikono kubanga abantu abasing bagifunyemu era ne babeera bulungi okugeza kasimu kyewaalabye bweyamala ssiniya eyookuna. Yasalawo okugenda mu Tteeko mweyafuna ennusu ennyingi.
- Okwewala okutuunda ebintu bazadde baffe/kitaffe bye balese nga bavudde mu bulamu bwensi si kuba nga Cloves Gwayambadde eyatunda ettaka lya kitaawe.
- Okubeera n'emimizi/okukuuma ebyama okugeza Tabula bwe yabuulirwa minister w'ebyamawulire ebintu ebimu yabisirikira kuba byandivuddemu obuzibu.
- Okwewala okutemula abalala si kuba nga Oliver Kyabangi eyateekera enju omulimo kitaawe Ssemweya mweyafiira ng'amulanga okulemwa okujjanjaba nnyina, yatta ne Yesero Mugalu olw'okumukabasanya ng'akola.
- Okwewala ettamiiro kubanga liyinda okutuviirako okweyisa obubi okugeza Meeja kaberege bwe yafuuka waddanga yatandika okutulugunya ab'enju ye.
- Omuwandiisi akubiriza abaagalana okwewala obwenzi kubanga buno buviirako amaka okufa awamu n'okwesiba kw'emirimu. Kino tukiggya mu bubaka Muhammad Golola bwe yasibirira abavubuka.
- Okwewala okugeraageranya abaana ewaka kubanga buli omu aba wanjawulo kale nno si kirungi okubageraageranya. Okugeza Nnyina wa Tabula teyabageraageranya wabula yeebazanga bwebaza Katonda bwe wabangawo omwana eyamutabulanga/ omulalu okusinga ku balala.
- Okwenyigira mu mirimo gy'ebyobuwangwa okugeza Kitaawe wa Tabula yenyigiranga mu kukomaga era gwe gumu ku mirimu n'abaana be abayigiriza.
- Okubuulirira abavubuka ku bintu ebikwatagana n'emibiri gyabwe okusobola okubayamba okuyita obulungi mu bulamu bw'ensi eno okugeza mukulu Ssebanaakitta abuulirira Tabula ne banne.
- Okwewala okusabiriza abalala awamu n'okwesigulira ku gavumenti nga tugiyita etuyambe mu buli kimu nga bwegwali ku bantu be Namaliiri gye bazaala Tabula.
- Okwenyigira mu mizannyo egizimba omubiri awamu n'okuyigiriza obukujjukujju okugeza okusamba emipiira so si kukuba ludo awamu n'okusiba obupapula ng'abantu be Namaliiri bwe bagyettanira ne babula okufa obwavu.
- Okukwata awamu n'okussaamu emizizo ekitiibwa kubanga gibeerako ebintu bingi bye gitangira okugeza Ba Tabula bwe baasanganga amagudu (Obutiko) agabikiddwako nga tebagakuula.

### **EKIFAANANYI KY'OMUWANDIISI MU LUGERO**

Omuntu yenna asomye olugero luno olwa "Agamyuka Omutezi" ofuna bulungi enneeyisa y'omuwandiisi waalwo n'ekyo ky'ali kubanga abawandiisi batera nnyo okweyolekera mu ebyo bye bawandiika. Eno y'engeri olugero gye lutuloopera omuwandiisi waalwo.

- Omuwandiisi munnamawulire okusinziira ku ngeri gy'atwolekamu omulimu gw'amawulire mu lugero lwe awamu n'okulaga ebizibu ebyolekedde bannamawulire okugeza okuyigganyizibwa nga bwe guli ku Tabula.

- Musajja muyivu era yasomerako e Makerere kubanga mu lugero atwoleka Tabula nga yasomera Makerere n'engeri omusomesa waabwe bwe yalaga engeri abawala e Makerere gye beeyisaamu nga tebannafuna babeezi.
- Musa munnabyabuwangwa anti olugero lwe lufumbekedde ebyobuwangwa ebyenjawulo okugeza emikolo gy'okuzina abalongo ba Kkonde awamu n'olulimi olukozesebwa lutwoleka nga munnabyabuwangwa.
- Nkata musajja munnyumya okusinziira ku ngeri gy'asengeka olugero lwe lutwoleka bulungi ng'amanyi okunnyumya.
- Musomesa okusinziira ku ngeri gy'atuzimbiramu obulamu bw'abasomesa okugeza mu lugero lwe atwoleka Lammeka Ssebanaakitta eyali omusomesa n'engeri gye yeeyisaamu.
- Omuwandiisi musajja mufumbo kino kyeyolekera ku ngeri gy'azimba obufumbo mu lugero lwe awamu n'okubuulirira abo abagenda mu bufumbo okugeza mu ssuula 'Nsooka okuyiga ku by'obufumbo' mw'atwoleka emikolo gya Tabula ne Hasifa Nakayiwa.
- Nkata mukozi kubanga obukozi abukulembeza nnyo ng'azimba abantu be mu lugero okugeza atulaga kitaawe wa Abdu Tabula nga musajja mukozi era eyayigiriza n'abaana be obukozi. Yalina emmwanyi, ekkomagiro.
- Alina eddiini kubanga bwetwetegereza olugero lwe eddiini tagisudde muguluka okutandikira ku mannya g'atuuma abantu be okugeza Lammeka, Abdu, Hasifa, Annet n'amalala, era alaga obukulu bwa Allah 'mutyenga nnyo Allah ate nga mumussa ekitiibwa mu ddiini z'abalala...'
- Alina omukwano anti agutwoleka mu lugero lwe bw'atulaga Abdu Tabula ng'alaga Hasifa omukwano ogwavaamu n'obufumbo.
- Omuwandiisi musajja muzadde kabanga mu lugero atulaga abazadde ab'enjawulo n'engeri gye bakuzaamu abaana baabwe okugeza kitaawe wa Tabula yabayigiriza okukola, ate ye nnyabwe yababuuliriranga
- Omuwandiisi amanyi okubuulirira okugeza mu lugero alaga engeri nnyina wa Tabula yafubanga okubabuulirira basobole okukyusa empisa zaabwe.
- Nkata alabika nga musajja munoonyereza kino kyeyolekedde mu lugero lwe bw'atulaga Abdu Tabula ng'anoonyereza ku misango gya Meeja kaberege ate n'asobola okugizuula obulungi.
- Omuwandiisi alwanirira eddembe ly'abantu kubanga mu lugero lwe alaga abantu abatulugunyizibwa naye ne wavaayo abantu abagezaako kubafunira obwenkanya okugeza Abdu Tabula anoonya obwenkanya ku kuttibwa kwa Annet Kaberege.
- Musajja mulimi kubanga ebyobulimi abiteeka ku mwanjo bw'atwoleka kitaawe wa Tabula ng'alima emmwanyi awamu ne Mohammed Golola
- Omuwandiisi mutontomi okusinziira ku butontome obweyolekera mu lugero lwe okugeza Siyinja Kwatula (Abdu Tabula keyawandiikira Hasifa).

## **ABANTU ABAGANYULWA MU LUGERO/BAWANDIKIRA**

Olugero "Agamyuka Omutezi" lukongozze obubaka bungi eri abantu abenjawulo mu lugero bano wammanga be bantu Nkata be yawandiikira mu lugero lwe;

- **Bannamawulire**; omuwandiisi abawandiikira baleme kutiisibwa nga bakola omulimu gwabwe era bafube okutuusa amawulire amatuufu eri abantu okugeza Abdu Tabula yasigala awa amawulire amatuufu ne ku banene mu gavumenti.
- **Abazadde**; bano omuwandiisi ayagala bayige okukuza obulungi abaana baabwe nga babayigiriza okukola emirimu n'okubeera n'obuvunaanyizibwa nga bazadde ba Tabula bwe babakuza obulungi.
- **Bannaddini**; bayiga okubuulirira awamu n'okulambika abantu mu kkubo ettuufu okugeza Fr. Joseph Balikuddembe abuulirira Tabula awamu n'abantu abalala abaali bagenda mu bufumbo ne Sheik Hamdan Lubega naye yababuulirira.
- **Abavubuka**; omuwandiisi abawandiikira bulijjo bettanire emirimu gy'emikono kubanga gino basobola okugifunamu ssente ezibayamba okwekulaakulanya okugeza Kasimu Kyewalabye yagenda mu Tteeko n'ayigira ddala eby'okubajja mwe yafuna ssente empitirivu.
- **Abaana abobuwala**; Omuwandiisi abatuusaako obubaka obwokwegendereza abavubuka ababaganza ate era n'okusooka okubatwala mu bazadde baabwe nga tebanneefumbiza bokka okugeza Catherine Ndiba yeesiga Meeja kaberege n'amwefumbiza kyokka ye n'amuyiwayo.
- **Abafumbo**; bano omuwandiisi ababuulirira bulijjo okwagalananga awamu n'okwessaamu ekitiibwa nga buli omu akola ebyo by'asaanidde okukola nga Abdu Tabula bwe yali ne Hasifa.
- **Abayizi**; bano balabulwa okwewala obwediimo kubanga buno buyinza okubaviiramu okugobwa mu masomero bwe batyo ne bafiirwa obulamu bwabwe obw'omumaaso okugeza Gwayambadde ne banne baagobwa mu ssomero olw'okwenyigira mu kediimo.
- **Bannabyanjigiriza**; omuwandiisi abayigiriza okukangavvula abo ababa beyisizza obubi mu masomero okusobola okuwa abalala essomo okugeza Kamisona yagoba Gwayambadde ne banne olw'okwediima.
- **Bannabyabufuzi**; bano bayiga okwegendereza abantu be bakola nabo kubanga abamu si beesigwa bakolagana n'abalabe baabwe okugeza Minisita w'ensonga ezoomunda yakolagananga n'abayekera mu kubafunira paasipoota.
- **Abakuuma ddembe**; bano abayigiriza okubeera abantu balamu awamu n'obutatulugunya bantu be babeeramu si kubeera nga Meeja kaberege eyatulugunya mukyala we awamu n'abagalimu.
- **Abakyala**; omuwandiisi agenderera okutegeeza abakyala okugumira ebizibu bye basanga naddala mu bufumbo so si kudda mu bwenzi nga muka Minisita eyakwatagana ne Deziderio Mukasa ne bazaala n'omwana oluvannyuma lw'okutabuka ne bba.
- **Abakozi**; Bano bayiga okwagala ennyo emirimu gyabwe awamu n'okutuukiriza ebyo emirimu gyabwe byegibasaba okugeza Tabula Abdu yali ayagala omkulimu era ng'akola okunoonyereza kwonna okwetaagisa.
- **Abakozesa**; bayiga okuyisa obulungi abo be bakozesa awamu n'okubalwanirira singa wabeerawo obuzibu bwonna okugeza Rose Serabidde alwanirira Tabula buli abasirikale lwe baamulumbanga ng'afulumizza eggulire erisasamaza ne nannyini kampuni lweyamugamba

- **Abasomesa**; okubeera abantu aboobuvunaanyizibwa mu kitundu gye babeera era abeebuuzibwako abalala okugeza mukulu Sebannakitta abuulirira Tabula ne banne.
- **Bannakatamba**;  
Bano balina okwegendereza nga bawandiika emizannyo n'okufuna obukuumi obumala kubanga mu mizannyo egimu bayinza okutuusibwako obulabe, okugeza munnakatamba Kazibwe yattibwa bwe yali awandiise omuzannyo "Ndikibuulira ani?"

## **OBULAMU OBWA BULIJJO MU LUGERO**

Omuntu yenna eyattanira okusoma olugero luno akizuula nga ddala ebyo ebirweyoleramu bye biri ne mu bulamu obwabulijjo. Omuwandiisi atusiigira ekifaananyi kino kusobola okutuusa obubaka eri omusomi we. Bino wammanga bye byeyolekera mu lugero nga biri mu bulamu obwabulijjo.

- Mu lugero mweyolekeramu ettemu nga bwe guli ne mu bulamu obwabulijjo okugeza John Muteega atemula Alex Kizito oluvanyuma lw'okuvuganya ku muwala (Hilda) eyasalawo okugenda ne Alex Kizito.
- Obwediimo mu masomero obweyolekera mu lugero buli ne mu bulamu obwabulijjo okugeza Clove Gwayambadde ne banne bediima ne basengula omukulu w'essomero ekyabaviirako okugobwa ku ssomero.
- Obutabanguko mu maka buli mu lugero okugeza Meeja Kaberenge atulugunya mukyala we Annet Kaberenge n'atuuka n'okumutta. Kino kiri ne mu bulamu obwabulijjo.
- Okuttibwa kwa bannakatamba olw'emizannyo gye bawandiise ne mu bulamu obwa bulijjo bwe guli okugeza munnakatamba Kazibwe attibwa olw'omuzannyo gwe yali awandiise.
- Okutulugunya awamu n'okuwamba bannamawulire olw'ebyo bye baba bawandiise, okugeza Tabula alondoolebwa Meeja Kaberenge era amutiisatiisa kino kiri ne mu bulamu obwa bulijjo.
- Okugoba abayizi mu masomero olw'okwediima ne mu bulamu bwaffe obwabulijjo bweguli okugeza Clove Gwayambadde ne banne bagobwa mu ssomero.
- Okwenyigira mu mirimu gy'omukono awamu n'okunogamu ennusu nga bwegweyolekedde mu lugero ne mu bulamu obwa bulijjo bwe guli okugeza Kasimu Kyewalabye yefunzirira omulimu gw'okubajja n'afunamu ssente ezimuyimirizaawo.
- Obubbi obweyolekedde mu lugero ne mu bulamu obwabulijjo mwe buli okugeza abavubuka mikwano gya George babba emmotoka z'abantu ezabaviirako n'okwetta bo bennyini.
- Okwettanira/okwenyigira mu zzaala (betting) okweyolekedde mu lugero kuli ne mu bulamu obwabulijjo okugeza Tabula bweyadda ku kyalo kyabwe yasanga abavubuka tebakyayagala kukola wabula okwenyigira mu kusiba emipiira n'okukuba ludo.
- Obwenzi obweyolekera mu bafumbo mu lugero buli ne mu bulamu obwa bulijjo okugeza mukyala wa minisita aganzibwa Deziderio Mukasa n'atuuka n'okumuzaalamu.
- Ettamiiro eryeyolekera ku bantu abali mu lugero ne mu bulamu obwa bulijjo bwe guli okugeza Meeja Kaberenge yatandikiriza okutamiira bwatyo n'ayonoonekera ddala.

- Okuggyamu embuto kuli mu lugero ate nga n'ensangi zino abawala bettanira okuggyamu embuto okugeza Annet Kaberenge aggyamu olubuto ng'akyali mu ssomero. (Pg 160)
- Okuyisa obubaka mu katemba/okuvumirira abakozi be bikolobero okuli mu lugero ne mu bulamu obwabulijjo abantu bayisa obubaka mu Katemba okugeza munnakatemba Kazibwe yali agenda kulaga omuzannyo ogukwata ku kufa kwa Annet Kaberenge ne Lydia yalaga ekiraamo kya ssemweyama.
- Okutunda ebyobusika okweyolekedde mu lugero mwe kuli ne mu bulamu obwa bulijjo bwe guli okugeza Cloves Gwayambadde yatunda ekibanja kya kitaawe Kifoomusana kye yasikira.
- Okusigula baganzi bamikwano gyaffe Kyeyolekera mu lugero ate ne mu bulamu obwabulijjo okugeza Kabembula aganza Idah ate nga yali mukyala wa mukwano gwe Kkonde.
- Enkwe eziri mu lugero ziri ne mu bulamu bw'ensangi zino okugeza Kalyabe yali akolera mu lupapula lwa Muyizzi Publication kyokka ng'akolagana ne ba mbega abawandiikibwako.
- Okuvuga emmotoka ezitalina bisaanyizo.

## **OBUKUUBAGANO MU LUGERO**

Mu bulamu obwabulijjo abantu babeera n'obutakwatagana ne mu lugero luno omuwandiisi atuzimbira obutakkaanya wakati w'abantu ab'enjawulo era nga buno bwe bukuubagano. Obukuubagano buno bugendererwamu okutuusa obubaka eri omusomi. Buno bwe bukuubagano ne kwe buva.

- Akakuubagano wakati wa Abdu Tabula ne Meeja Kaberenge kino kava ku Abdu Tabula okunoonyereza amawulire agamukwatako awamu n'okumutimba bbula bwe yajja okumukwata.
- Meeja Kaberenge ne Ndiba Catherine oluvannyuma lwa Meeja Kaberenge okutunda enju gye bazimba ne Catherine era n'amulekawo n'atwala n'omwana we.
- Anne Kaberenge ne Meeja Kaberenge bano bakuubagana oluvannuma lwa Meeja Kaberenge okutulugunya annet ng'ali mu maka ge n'atuuka n'okumutirimbula.
- Anne Kaberenge ne bazadde be kano kava ku Anne Kaberenge okudduka ku bazadde nga tamaze misomo n'agenda yeefumbiza Meeja Kaberenge.
- Cloves Gwayambadde ne Tabula bakuubagana oluvannyuma lwa Gwayambadde okuwa ba Tabula emmwanyi ze bazimutundire ne balemwa okufuna ssente.
- Joseph Lubyayi ne Kitaawe Meeja Kaberenge kano kava ku Meeja okutulugunya nnyina n'atuuka n'okumutirimbula ekyanyiiza ennyo Lubyayi.
- Ssebasitiyane Ssemweya n'abaana be abalenzi bakuubagana oluvannyuma lw'abaana bano okugaana kitaabwe okuwasa omukazi omulala oluvannyuma lw'okufa kwa nnyabwe.
- Oliver Kyabangi ne Ssemweya bakuubagana oluvannyuma lwa Ssemweya okutulugunya Oliver ng'akula awamu n'obutajjanjaba nnyina ng'alwadde.
- Oliver Kyabangi ne Yesero Mugalu bakuubagana kubanga yamukabassanya awamu n'okumukaka omukwano buli lunaku ate nga yali tanneetuuka.



- Bannamawulire (Rose Sserabidde ne Tabula) awamu ne Poliisi oluvannyuma lwa Bannamawulire okugenda awali wagudde omusango nga Poliisi tennatuuka ekiviirako okubuzabujulizi.
- Alex Kizito ne John Muteega kano kava ku Muteega okuganza omuwala (Hilda) omu ne Alex kyokka omuwala n'asalawo okugenda ne Alex ekiviirako Muteega okutta Alex.
- Abdu Tabula ne nnyina Aziiza Tezigattwa kano kava ku Tezigattwa okugaana Tabula okusoma ebyamawulire kuba birimu obuzibu bungi kyokka ye Tabula n'agaana.
- Abdu Tabula n'abawala abakola mu news room kano kava ku bawala okusekereranga Abdu buli lweyajjanga mu news room okulaba Hasifa.
- Idah Naluyima ne Kkonde bba oluvannyuma lwa bba obutamuwa budde bwe yafuna omukyala omulala.
- Gavumenti ya Dubya ne bannamawulire kano kava ku Gavumenti okwagala okusaanyawo eddembe lya bannamawulire ate nga nabo bali bafuba okulirwanirira.

### **EBY'OKUYIGA MU BUKUUBAGANO**

Omuwandiisi yateeka obukuubagano buno mu lugero okusobola okuleeta obubaka era bino bye by'okuyiga mu bukuubagano.

- Okwewala obugya kubanga kino kiviirako John Muteega okukuubagana ne Alex anti yali ayagala okweddiza Hilda ate ky'ataafuna.
- Okuwuliriza bakadde baffe bye batugamba ne tutaba nga Abdu Tabula eyajeemera nnyina ekimuvirako okukuubagana naye.
- Okugoberera amateeka okusobola okwewala obuzibu anti bannamawulire bakuubagana ne Poliisi oluvannuma lw'okusatuukira ewali omusango ne babuza bujulizi.
- Okwewala ebikolwa ebyekikaba awamu n'okukabasannya abalala kubanga kino kiviirako Oliver okukuubagana ne Yesero Mugalu.
- Okwewala okwediima awamu n'okwekalakaasa singa tuba tufunye obuzibu kubanga kino kivaako okukuubagana n'abalala nga bwe guli ku bayizi awamu n'abasomesa.
- Mu bukuubagano tuyigamu okwewala ettemu kubanga lino liviirako Lubyayi Joseph okukuubagana ne Meeja Kaberenge ekireeta okwabya ebyama bya Meeja nga yatta mukazi we.
- Tuyiga okubeera abeesigwa eri abagalwa baffe ne tutabefuulira nga Meeja Kaberenge bweyakola Ndiba olwo ne bakuubagana.
- Tuyiga okwewala okutulugunya abalala mu maka kubanga muvaamu okufa n'okukuubagana nga bwe kiri mu kakuubagano ka Meeja Kaberenge ne anne Kaberenge.
- Okutuukiriza obuvunaanyizibwa mu maka awamu n'obutasuulirira maka gaffe kubanga kiviirako okukuubagana nga bwe guli ku Idah ne Kkonde awamu ne Minisita ne mukyala we.
- Omusomi ayiga okwewala obwenzi kubanga buviirako abantu okukuubagana nga bwe gwali ku Minisita ne mukyala we.

### **OBUKULU BW'OBUKUUBAGANO MU NKULAAKULANA Y'OLUGERO**

Omuwandiisi yenna abeera n'ebigendererwa bingi okussa obukuubagano mu lugero lwe era zino ze zimu ku nsonga eziteekesa obukuubagano mu lugero.

- Omuwandiisi agenderera okutuusa eby'okuyiga ebyenjawulo eri omusomi we okugeza; akakuubagano ku Semweya n'abaana be kayigiriza omusomo okussaamu abakulu ekitiibwa si kuba ng'abaana ba Ssemweya abamugaana okuwasa.
- Obukuubagano butuggirayo emiramwa egy'enjawulo mu lugero okugeza aka Alex Kizito ne Muteega katuzimbira omulamwa gw'obugya.
- Batwoleka obukugu bw'omuwandiisi mu kuyiia era ke kamu ku kakodyo akaagazisa omusomi okusoma.
- Obukuubagano butonda obulamu obwa bulijjo mu lugero ekiyamba omusomi okutegeera anti mu nsi mwetawangaalira obutakkaanya bubamu okugeza obutabanguko mu maka (akakuubagano ka Anne Kaberenge ne Meeja Kaberenge)
- Butusiigira ebifaananyi mu lugero ekiyamba omusomi okwefumiitiriza ku ebyo by'asoma okugeza akakuubagano ka Alex ne Muteega katwoleka obugya awamu n'ekifaananyi ky'obutemu mu bantu.
- Obukubagano buzimba obunkenke mu lugero ekiyamba omusomi okwongera okwagala okusoma.
- Obukuubagano butwoleka ensi y'olugero kubanga ebyo ebikolebwa bitulaga bulungi ekifo abo ababikola mwe bali.
- Butwoleka enzimba y'abantu mu lugero kubanga butulaga engeri abantu ab'enjawulo gye beeyisaamu okusenziira ku lugero, okugeza akakuubagano ka Annet ne Meeja katwoleka nga Meeja mutemu.

## **EBYOBUWANGA MU LUGERO**

Nkata Musa Mutyaba musajja muganda mu kino bw'aba azimba olugero lwe ebyobuwangwa by'Abaganda tayinza kubisuula muguluka. Ebyobuwangwa ebiri mu lugero bye bino.

- Omuwandiisi atwoleka emikolo gy'okuzina abalongo muno alaga ebyo byonna ebikolebwa ng'omuntu azadde abalongo okugeza okusiba abalongo.
- Omuwandiisi atuwandiikira ku mpisa y'obufumbo bw'atulaga emitendera Abdu Tabula gye yayitamunye ng'agenda okuwasa Hasifa okugeza okwanjula.
- Obukulu bwa Ssenga mu buwangwa bw'Abaganda na ddala mu mpisa eyokufumbirwa n'okuwasa okugeza Tabula nga tannawasa Hasifa yasooka nsonga kuzitwala wa Ssenga we.
- Omuwandiisi atwoleka emizizo gy'Abaganda mu lugero ekitwoleka ebyobuwangwa okugeza bwe wasanganga enku ensire nga tozisennya kubanga kiraga nga waliwo nannyini zo eyazitema nga mbisi n'azirekakyo.
- Obukulu bw'omuliraano omuli okugunjuulira awamu abaana n'okubatendeka emirimu egyenjawulo okugeza Mukulu Wakataayi yali muliraanwa w'aba Tabula era yabayigirizanga okubajja kubanga yali mubazzi.
- Omuwandiisi atwoleka empisa y'okulaama mu lugero lwe era ekiraamo bwe kiba kikoleddwa buli muntu akissaamu ekitiibwa okugeza John Nteeba alaama mutabani we ow'omukyala owookubiri yaba amusikira era tewali yawakanya kiraamo kye.

- Omuwandiisi atwoleka obukulu bw'ennyimba mu buwangwa bw'Abaganda mu mikolo awamu n'emirimu okugeza mu kukomaga kitaawe waba Tabula yayimbanga era bwe gwali ne mukolo gw'okwalula abalongo ba Ssaalongo Kkonde.
- Mu lugero mulimu emirimu gy'Abaganda gye bettanira okugeza okukomaga anti kitaawe wa Tabula yali mukomazi kkungwa, obulimi na ddala emmwanyi.
- Obukulu bw'omujjwa mu buwangwa bw'Abaganda anti abeera musaale mu mikolo gy'okuzina abalongo okugeza mu mikolo gy'okuzina abalongo ba Kkonde omu ku bajjwa yalinnya mu mmere era tebaddamu kugirya.
- Entuuma y'amannya nga weesigama ku buwangwa okugeza kkonde bakazi be yabawa amannya amapya omukulu yafuna erya Mukuuma ate owookubiri n'amuwa erinnya erya kaddulubaale.
- Empisa ey'okusika awamu n'okusumikira yeyolekera mu lugero okugeza mu lumbe lwa Nteebe omusumisi yassaako omusika ng'agoberea obulombolombo bwonna.
- Omuwandiisi atwoleka obukulu bw'olulimi oluganda (olunnansi) era ng'agamba buli muntu asaana okumanya olulimi lwe okugeza ekiraamo kya John Nteebe eky'oluganda kye kyatwalibwanga ekyamakulu.
- Okulannya okuli mu lugero kulaga bulungi obukulembeze bwa Buganda mu mitendera gyabwo okugeza mu kiraamo kya John Nteebe yasooka kulaga buzaale bwe ng'atandikira ku bujjajja, olunyiriri, omutuba, essiga, n'omukulu w'akasolya.
- Olulimi olweyambisibwa olw'ebisoko awamu n'engero lutwoleka ng'omuwandiisi ebyobuwangwa abitadde ku mwanjo.
- Mu lugero omuwandiisi atwoleka enjnjula y'abaana era ng'ekyalo kyonna kyalina obuvunaanyizibwa ku mwana okugeza mukulu Ssebannakitta yabuuliriranga Tabula ne banne.
- Omuwandiisi atwoleka empisa y'okutontoma mu lugero lwe ate nga y'emu ku ngeri abaganda gye batuusaako obubaka eri abalala mu buwangwa bwabwe okugeza Abdu Tabula awandiikira Hasifa akatontome aka "Siyinza kwatula".
- Empisa y'ekizzaŋŋanda eri mu lugero etulaga obuwangwa bw'Abaganda okugeza Tabula awamu n'abantu abalala baagenda okusula mu ngalabi ku lumbe lw'omugenzi John Nteebe.
- Omuwandiisi ayogera ku lukiiko lw'ekika n'obukulu bwalwo mu mpisa y'okwabya olumbe okugeza mu lumbe lwa John Nteebe ekiro wasookawo olukiiko lw'ekika.
- Obukulu bw'omwana mu ddy mu buwangwa omwana atwalibwa nga wa muwendo era omukyala bw'agenda mu ddy n'atazaala alabibwa bubi nnyo okugeza Idah Naluyima ava ewa Kkonde oluvannyuma lw'okulemwa okuzaalayo omwana.

### **ENZIMBA Y'ABAVUBUKA MU LUGERO**

Nkata Musa Mutyaba ng'ono ye muwandiisi w'olugero luno omulembe gw'abavubuka teyagusuulirira bweyali awandiika olugero lwe anti abatwoleka bulungi mu nkulaakulana y'olugero.

Abavubuka abali mu lugero mwe muli Abdu Tabula, Catherine Ndiba, Ivan Kkonde, Idah Naluyima, Daniel Kabembula, Badru Ssemwezi, Gwayambadde, George, Muhamad Golola n'abalala bangi. Omuwandiisi abavubuka abazimbye ati;

- Bakozi okugeza Abdu Tabula musajja ayagala omulimu gwe ogw'amawulire ate ne Muhammad Golola mukozi anti alima, alunda bw'atyo n'afuna ssente.
- Abavubuka bazimbiddwa nga bayivu okugeza Muhammad Gololoa yasoma n'amala e Makerere.
- Bassaamu ebyobuwangwa ekitiibwa okugeza Kkonde bwe yazaala abalongo yabakolako emikolo egy'okubazina nga bwe guli mu buwangwa bw'Abaganda.
- Omuwandiisi abazimbye nga balina omukwano okugeza Daniel kabembula alaga Idah omukwano era ne Tabula agulaga Hasifa n'atuuka n'okumutwala mu bakadde be.
- Abavubuka bazimbiddwa nga bagumiikiriza okugeza Ivan Kkonde abeera ne Idah emyaka mukaaga nga tamuzaaliranga mwana kyokka n'atamugoba.
- Bamanyi okubuulirira ebizimba abalala okugeza Muhamad Golola yawa banne amagezi ag'okwagala bakazi babwe n'okubassaamu ekitiibwa.
- Abavubuka bazimbiddwa nga bayiyya okugeza Lydia yasobola okuyiyya omuzannyo ogwali gwoleka ettemu mu Kampala kyokka n'ayita n'abantu abakwatibwako.
- Bawulize okugeza Tabula ne banne bawulira bazadde baabwe nga babatumye okutwala emwanyani okuzitunda.
- Babbi okugeza Gwayambadde abba emwanyani za kitaawe ne bazitwala okuziitunda wadde nga tabafunamu ssente.
- Balina ebbuba okugeza Muteega afuna ebbuba ng'alabye Alex Kizito aganzizza Hilda n'atuuka n'okumuttisa.
- Bawaayiriza okugeza Muteega awaayiriza Alex Kizito nga bwe yali amubbye ekivirako abanti okukuba ne bamutta n'omulambo ne bagwokya.
- Si beegendereza okugeza Ndiba Catherine yamala geesiga Meeja Kaberenge n'atuuka n'okugatta naye ssente kyokka oluvannyuma n'amuyiwa.
- Bakaba okugeza Yesero Mugalu akabassanya Oliver Kyabangi ate nga yali tanneetuuka.
- Batemu kubanga Oliver Kyabangi ayokera kitaawe mu nju ate era n'atta ne Yesero olw'okumukabassanya.
- Balina effujjo okugeza Gwayambadde ne banne battika omukulu w'essomero okumutwala ewalala olw'okuba baali bakooye okubalimisa buli ku makya.
- Bettanira okusiba emipiira awamu ne zzaala okugeza abavubuka be Namaliiri baabeeranga nnyo mu kukuba ludo n'okusiba emipiira.
- Tebalina buvunaanyizibwa anti batunda eby'obusika by'abazadde baabwe bye babalekera okugeza Cloves Gwayambadde yatunda ettaka lya kitaawe.

### **OBUBAKA OMUWANDIISI BW'ATUUSA ERI OMUVUBUKA W'ENSANGI ZINO**

Omuwubuka ow'omulembe omutebi asaanye okusoma olugero okusobola okufuna obubaka obw'enjawulo awamu n'okufuuka ekitonde ekiggya. Buno bwe bubaka omuwandiisi bw'atuusa eri omuvubuka.

- Okubeera abakozi nga Abdu tabula bweyali wamu ne Muhamad Golola basajja bakozi era basobola okweyimirizaawo.
- Bayiga okwewala zzaala kubanga abafuula bannamunafu okugeza abavubuka b'e Namaliiri bettanira nnyo zzaala ne balemewa okwekulaakulanya.

- Okwewala okwesiga abantu nga twakabalaba ne tubawa n'ebyaaffe nga Catherine Ndiba bwe yeesiga Meeja ate n'amala n'amwefuulira.
- Abavubuka bayiga okwewala obubbi nga Gwayambadde bwe yalina anti yabbanga emmwani za kitaawe n'aziwa banne bazitwala bazitunde.
- Okwewala efujjo n'obwediimo kubanga biviirako obuzibu okugeza Gwayambadde ne banne bagobwa mu ssomero olw'okwediima.
- Okwewala okutunda ebyobusika ebibaweereddwa si kubeera nga Cloves eyatunda ettaka lyonna lye yasikira n'asigazaawo ttono ddala era n'asigala mu bwavu.
- Abavubuka bayiga okubeera n'omukwano ogwa namaddala eri abaagalwa baabwe okugeza Abdu Tabula alaga Hasifa omukwano n'atuuka n'okumuwasa.
- Abavubuka bayiga okwewala okuggyamu embuto si kubeera nga Anne Kaberenge bwe yafuna olubuto ng'ali mu ssomero n'aluggyamu era n'alabanga omwana we ng'akaaba.
- Okwewala okwetuga kubanga kino kikolwa kya butitiizi okugeza Paatu yeetuga olw'okumugaana okuwasa omuwala gwe yali ayagala( Jenifer).
- Okwewala okukabassanya abaana abatannatuuka kubanga kino kibasigamu obukyayi okugeza Yesero Mugalu akabassanya Oliver ekyamuviiirako okumutta.
- Okwewala ebbuba si kubeera nga Muteega eyayolesa ebbuba n'atuuka n'okutta Alex olw'omukazi.
- Omuwandiisi akubiriza abavubuka okwettanira emirimu gy'emikono okusobola okweyimirizaawo okugeza Gololo yettanira emirimu gy'emikono.
- Omuwandiisi ayigiriza omuvubuka okutwala okubuulirira kw'abalala nga Tabula ne banne bwe baawulirizanga okubuulirira kwa mukulu Ssebanaakitta.
- Omuvubuka ayiga okubeera omugumiikiriza nga Ivan Kkonde bwe yagumiikiriza mukyala we Idah eyamala emyaka mukaaga nga tazaala.